15⁎ Okugaba kkopi z'akatabo kano eri abo b'oba okowoola eri obusiraamu ne bakasoma nakyo kijja kukuyamba okusaasanya eddiini ya Allah eno.

## ONALONGOOSA OTYA OBUSIRAAMU BWO.

1⁎Omuntu bw'okkiriza n'osiramuka oba otandiise ekitabo ky'emirimujjo eri Allah .Eby'awandiikibwa emabega byonna bikujjibwako era nebikusonyiyibwa.

2⁎Okusiramuka kuba kutandiika bulamu bupya eri katonda wo.

3⁎Olina kati kuzimba n'olongoosa obusiraamu bwo .Oyinza kukikola otya ? Ojja kuyita mubino;

4⁎Okwongera ku kumanya kwo ,ng'oyitira mu bino :

## EKISOOKA.

1 ⁎ Okusoma n'okweyigiriza Quraane .

2 ⁎ Okusomanga ebivvuunudwa mu Quraane.

3 ⁎ Okusomanga ebigambo bya nabbi (s.a.w) Muhammadi.

4⁎Okusomanga ebyafaayo by'abasiraamu abagundiivu abakulembeera mu busiraamu ,abalongoofu.

5⁎ Okugenda okusaala eswala y'ejjuma ku lwokutaano n'owuliriza ebisomesebwa ,ssako okusaala n'abasiraamu .

6 ⁎ Okusaalanga Iddi ebbiri buli mwaka.

7 ⁎ Okugenda nga mu misomo gy'obusiraamu (darasa).

8⁎Okwebuuza kubamanyi ,abasomesa b'obusiraamu n'abakulembeze b'abasiraamu ku buli nsonga gy'ototegeera bulungi.

9⁎ Okubeera n'emikwano egimanyi obulungi ensonga n'ennamula z'obusiraamu.

10⁎ Okusoma ennyo buli kiwandiiko oba ebitabo byonna by'osobola okusangamu ebikwata ku busiraamu nga bikwata neku Quraane wamu n'ebigambo nabbi Muhammadi (s.a.w).

## EKY'OKUBIRI

1 ⁎ Okukola ennyo emirimu emirungi ,emituufu n'obusobozi bwo bwonna.

2 ⁎Gezaako okukola emirimu emirungi egitali zino esswala ettaano ezetteeka ,gamba nga okusaala esswala ezitzli zabuwaze(Sunna)

3 ⁎ Okuyamba abanaku ,abaavu ,ngoyita mukuwaayo ensimbi (zakah),saddaaka ne bintu ebirala.

4 ⁎Okusiibayo ennaku ezitali mu mwezi gwa Ramanzaane nga olwebbalaza n'olwokukuna .

5 ⁎Okwetaba mukukowoola abati basiraamu bayingire mu busiraamu kuba y'ediini entuufu.

## OKUUMA OTYA OBUSIRAAMU BWO.

1⁎ Olina okumanya nti bw'osiramuka kitegeeza ofune ebirungi bingi nnyo wadde ng'bimu oyinza obutabirabirawo muntegeerayo.

2⁎ Kiringa okufuna eggwanika erijudde ebirungi oba etterekero.

3⁎ Nannyini tterekero lino ajjakuba n'abalabe abaagala okumujjako by'alina babimusuuze.

4⁎ Kati bw'oba ofunye obusiraamu ,kyekimu.

5⁎ Abantu abamu bajja kugezaako okukuggya ku ddiini yo eno.

6⁎ Abonno be balabe ba Allah abonoonefu.

7⁎ Abalabe ba Allah ze sitraani era ziri mu bantu ne majjini getutalaba namaaso gaffe

8⁎ Sitaane ez'abantu bayinza okukunyoomoola n'okujeeja.

9⁎ Oba bayinza okukusendasenda n'essente bazikuwe osuule obusiraamu ettale.

10⁎Bayinza okuvuma oba okujerega obusiraamu basobole okunafuya entegeerayo.

11⁎Manya nti Allah atugamba mu Quraane,

12⁎"Tewali kibuuzo kyebasobola kuleeta okujjako tussa amazima kukyo n'okunnyonnyola okusinga obulungi" (Quraane; 25 :33)

13⁎N'olwekyo webuuze ku bamanyi ebyo Allah bye yassa mu Quraane osobole okutegeera ebyo ebikubuzaabuza.

14⁎Amajinni oba amageege nago gakuleetera wasiwaasi okubuzaabuza omutima gwo nga mungeri zino: osobola okuva ku ddiini zabakitaabo ab'edda? Osoboola okubeera mu ddiini ekukooya bw'etyo ,kwe kusaala buli kadde ,okusiiba enjala , okuwaayo emmaali yo ?? Nebirala ……

15⁎Abagoberera eddiini entuufu n'enkyaamu bonna bwe batyo bwe zibabuzabuza sitaani'

16⁎Naye ensonga eri bweti; ku maddiini gano gonna ge basoma eriwa entuufu?

17⁎Mumazima Busiraamu y'eddiini yokka entuufu ,entukuvu ,ey'amazima etaliimu busamize ,bukaafiiri wadde okusinza bakatonda abangi.

18⁎Yo ekkiririza mukatonda omu yekka.

Bw'oba ofunye endoowoza enkyamu eza sitaane nga zino ,eziyinza okukubuza soma bw'oti;

Rabbi auzhubika min hamazati shayitwani wa auzhubika rabbi an yahzhuruuni

(Quraane:23:9798-).

"Ayi omulezi wange n'ewogoma gy'oli okuva mu kukemebwa kwa sitasane.Era newogoma jooli ozimponye okusembera wendi".

19⁎Era osobola okusoma surati Al-Falaq ne surati Nnaasi kubanga zizinafuya..

www.islamic-message.net
AHLAN : www.ahlan-group.com
www.facebook.com/Ahlan.Explore
info@ahlan-group.com
africaislamicdaawah@gmail.com

AFRICA ISLAMIC DAAWA ASSOCIATION. (AIDA)

# Okukowoola buli muntu okwegatta ku bakkiriza mu kunoonya okusaasira kwa Allah.

# EKKUBO ERINAAKUTUUSA MU BUSIRAAMU.

Conveying Islamic Message Society
P.O.Box 834 - Alex - Egypt
E-Mail:info_en@islamic-message.net
E-mail:cims_eg@yahoo.com
Site: www.islamic-message.net
Not for sale يُهدى ولا يُباع

التعريف بالله
باللغة اللوجنديه

# Bismillaahi Rahmaani Rahiimu.
# (Mu linnya lya
# Allah omusaasizi ennyo ,ow'ekisa ekingi).

## ENNYANJULA

Obusiraamu …………… Lwaki?

1⁎ Kubanga obusiraamu y'eddiini Allah gy'akkiriza yokka okuva eri abantu bonna.
2⁎ Kubanga y'eddiini ya bannabbi bonna okuva ku Adamu okutuuka Muhammadi(emirembe gibe kubo).
3⁎ Kubanga y'eddiini eyassibwa okuva eri katonda abantu bafune okutya katonda waabwe.
4⁎ Kubanga nabbi w'obusiraamu ye mubaka wa katonda eyasembayo mu babaka beyatuma.
5⁎ Kubanga ekitabo Quraane kye kitabo ekyasembayo okussibwa okuva eri katonda mu bitabo byonna ebyava gy'ali.
6⁎ Allah atugamba (mu makulu) "Banonyaayo eddiini endala etali ya Allah ? ate nga byonna ebiri mu ggulu ne munsi mu kugonda nemukukakibwa byakkiriza Allah (obusiraamu) era nga gy'ali byonna gye bijja okuddizibwa".(Quraane 3:83).

"Singa omuntu yenna anaatwala eddiini yonna etali busiraamu tejja kukkirizibwa kuva gya'li era oyo ku nkomerero ajja kuba mu bafafaaganiddwa(nga tafunyemu)". (Quraane 3:85).

## OBUSIRAAMU ........... BW'ANI ?

7⁎ Bwabuli muntu Allah gw'awadde obulamu n'okutegeera.
8⁎ Bw'abo abasobola okulaba okusaasira kwa Allah.
9⁎ Bw'abo abawulira ebigambo bya Allah.
10⁎ Bw'abo abasobola okufumiintiriza ku bubonero bwa Allah.
11⁎ Bw'abo abalina emitima egyagala era nga gyebaza negisiima Allah.
12⁎ Bwubwo nange n'abo bonna ab'emitima egyatukuzibwa era nga girimu obukkiriza.
13⁎ Kati sso ssi nkya ojeemulukukire Allah.
14⁎ Gondera omutima gwo nga gukukowoola eri obukkiriza.
15⁎ Guno omukisa gwe gwokka gw'olina mu bulamu bwo.
16⁎ Gwe mukisa ogwa zzabbu gw'otajja kuddamu kufuna singa togukozesa ng'okyali mulamu.
17⁎ Yanukula omulanga gwa Allah ,akukowoola
18⁎ "Ate ne katonda wammwe ali omu yekka mujeemulukuke kululwe mu busiraamu ,sanyusa abo abagonvu (gy'ali)". (Quraane 22:34)

## OLUGENDO SSEMAGENDO (OLULUNGI).

1⁎ Bw'oba osazeewo okuyingira mu ddiini entuufu ey'obusiraamu ,sooka ononye awali abakulembeze abatwala obusiraamu oba ekifo awali obusiraamu nga omuzikiti oba essomero.
2⁎ Tuukirira omuntu yenna atwala ekifo ekyo omubuulire ku ndowooza yo ey'okuyingira obusiraamu .
3⁎ Omuntu oyo gwe kikwatako ajja kukubuuzayo ebibuuzo ebitonotono okukakasa oba ddala oyogala okuba omusiraamu .
4⁎ Nga tonnatuuka ku mbeera eyo ey'ekitiibwa ,eyokusiramuka, naaba omubiri gwo gwonna n'ekigendererwa eky'okuyingira obusiraamu.
5⁎ Kirungi nnyo bw'oba osiramuse omweko eniirizo oyambale bulungi ,weekube n'akawoowo akalungi ku mubiri n'engoyezo.

## OYOGERA OTYA OKULANGIRIRA NTI OKKIRIZZA OBUSIRAAMU.?

### 1. Okutuuka

ku kino kiba kyetaagisa oyogere ebigambo bino(mu luwalabu bwe kiba kisoboka)

I. Ashihadu an la ilaaha illa Llaah
II. (Nkakasa nti tewali alina kusinzibwa okuggyako Allah).
III. Wa ashihadu anna Muhammadan abuduh wa rasuuluhu.
IV. (era nkakasa nti Muhammadi muddu era mubaka wa Allah)
V. Wa ashihadu anna Isa abdu Llaahi warasuuluhu.
VI. (Era nkakasa nti Isa masiya muddu wa Allah ate mubakawe ).
VII. Bari- itu min kulli dinin yukhalifu dinal- Islam.
VIII. (Mpakanya era nesamba buli ddiini yonna etali busiraamu)

### 2.Era osobola okugamba bw'oti:

I. Nzikirizza Allah ,ne bamalayikabe ,n'ebitabo bye,n'ababakabe n'olunaku lw'enkomerero ,n'okugera kwa Allah okulungi n'okubi.
II. Nsuubiza obutagatta ku Allah kintu mu kumusinza yadde n'ekimu.
III. Njakuyimirizaawo esswala ttaano buli lunaku.
IV. Njakutoola zakah
V. Ssijja kubba oba kunyaga bintu bya balala.
VI. Sijja kwenda yadde okuwagira ekikolwa ekyo.
VII. Sijja kutta muntu yenna atalina kimuttisa .
VIII. Sirijeemera Allah.
IX. Amatendo ga Allah gonna oyo annungamizza ku mazima (obusiraamu).

### 3.Wetetegereze:

omuntu akwatibwako obaa baddewo ng'omusiraamu omupya ayogera ebigambo bino ebikakasa nti akkiriza obusiraamu kirungi amusabire eri Alla bwati;

-Nsaba Allah ansonyiwe wamu naawe

-Nsaba Allah akkirize okusiramuka kwo era akunywereze mu busiraamu ,n'ebirala ebiringa ebyo

## TUKOWOOLA TUTYA ABANTU OKUJJA MU BUSIRAAMU.

1⁎ Nabbi waffe Muhammadi( emirembe gibe kuye)yagamba "ssinga Allah alungamya omuntu omu ngayitidde ku kukowoola kwo ekyo kirungi jooli okusinga eby'obugagga ebisinga obungi".
2⁎ Era yagamba ,"oyo yenna akowoola abalala eri obulungi naye afuna empeera ezenkana n'ezaabo abamugoberera mu bulungi obwo ate nga nabo tebakendeezeddwako".
3⁎ N'olwekyo fuba nnyo okukowoola abantu eri obusiraamu
4⁎ Tandiika n'abo abakuli okumpi ,gamba nga bazaddebo mukyala wo ,nabalala.
5⁎ Allah yalagira omubaka we (s.a.w) bwati ,

"Era tiisa era olabule ab'oluganda lwo abali okumpi naawe".(Quraane 26:214).

6⁎ Babuulire amawulire amalungi ag'ebyo Allah bye yasuubiza abamukkiriza n'okusaasira kwa allah gyebali mu bulamu bwensi n'obwenkomerero.
7⁎ Batiise obusungu bwa Allah singa bagaana okukkiriza Quraane ey'ekitiibwa eyo gye yassa okulungamya abantu bonna.
8⁎ Batiise obusungu bwa Allah singa bagaana okukkiriza omubaka wa Allah muhammadi (s.a.w) eyatumwa eri abantu bonna munsi.
9⁎ Bakowoole n'omukwano wamu n'obukwata mpola ate na kumanya.
10⁎ Mu buli ky'obagamba sooka obeere eky'okulabirako ekirungi gye bali .
11⁎ Gezaako okukola ebirungi wamu n'okuyamba abalala singa oba n'obusobozi.
12⁎ Bw'onokola bw'oti ojja kuba omukowooze omulungi ng'oyitira mu bikolwa byo wamu n'ebigambo byo ssinga onakozesanga ebigambo ebirungi okusinziira ku mbeera y'omuntu oyo gw'okowoola.
13⁎ Osobola okukowoola mu lulimi lwonna olutegeerwa oyo gw'oli naye wadde ssin luwalabu.
14⁎ Gezaako okuba omuvumu ,omumalirivu mu bigambo byo ate nga tolimba n'akatono.